# UNBS ewadde ebiragiro ku malwaliro

Bya JALIAT NAMUWAYA

EKITONGOLE ekivunaanyizibwa ku mutindo mu ggwanga kiragidde abaddukanya amalwaliro okutwala ebyuma bye bakozesa okujjanjaba abalwadde bikeberebwe omutindo.

Ebyuma bino mulimu ebipima n'okukebera omusaayi n'endwadde ez'enjawulo, biteekeddwa okutuukiriza ebisaanyizo ebyetaagisa eby'ekitongole kya Uganda National Bureau of Standards (UNBS), okutangira akabi ke biyinza okutuusa ku balwadde gamba nga okubawa 'lizaati' enfu.


Kasigwa


Bagonza

Akulira UNBS, Ying. James Kasigwa, bino yabyogeredde ku mukolo gw'okukuza olunaku lw'ebipimo mu Kampala olukuzibwa mu nsi yonna buli mwaka. Yagambye nti, bagenda kwongera amaanyi mu kulondoola ebipimo by'ebintu ebitundibwa, n'asaba Bannayuganda bulijjo okuloopanga bannabyabusuubuzi abalina minzaani ezitawera.

Omuwandiisi ow'enkalakkalira mu minisitule y'ebyobusuubuzi, Lynette Bagonza yategeezezza nti, Gavumenti egenda kuddamu okwetegereza amateeka agaluŋŋamya mu kukuuma omutindo gw'ebintu ebikolebwa mu ggwanga n'ebyamaguzi ebiyingizibwa okuva ebweru okulaba nga bituukana n'omutindo.

Yagasseeko nti, balondoola emmere naddala ey'empeke etwalibwa ku katale k'ensi yonna okulaba ng'abasuubuzi tebataataaganyizibwa mu mawanga gye baba batutte ebyamaguzi byabwe.

Bannabizinesi abeetabye ku mukolo guno beekubidde enduulu olw'obuli bw'enguzi bwe baagambye nti bufumbekedde mu bitongole ebikwasisa amateeka ku by'omutindo. Baagambye nti, enguzi y'esibye ebintu ebitatuukana na mutindo ku katale.